# Aba KACITA balonze omugagga Babirye nga landiroodi asinga

Bya H. NKALUBO

EKIBIINA ekigatta abasuubuzi ekya KACITA kironze kkampuni n'abantu ab'enjawulo abasukkulumye ku bannaabwe mu buweereza omwaka guno.

Ku kijjulo ekyategekeddwa ku Grand Imperial Hotel mu Kampala, ebitongole bya Gavumenti ebyaweereddwa engule ey'okukola obulungi omwaka guno kuliko, ekiwandiisa amakampuni ekya Uganda Registration Service Bureau (URSB), Uganda Communication Commission (UCC) eky'amazzi; National Water and Sewerage Corperation.

Ssentebe wa KACITA, Issa Ssekitto yategeezezza nti baagoberedde ebintu bingi nga balonda ebitongole n'abantu abakoze obulungi. Baalonze omugagga Agnes Babirye nnannyini bizimbe okuli; Park View, Hannifer Tower, Annet Plaza n'ebirala nga asinze banne era Ssekitto yagambye nti beetegerezza ne bazuula nti ateesa n'abapangisa, tayongeza ssente buli kiseera ate ebizimbe bye biri ku mutendera gwa KCCA mu kunyirira.

Babirye okuwangula yavuganyizza ne banne 10 okuli; Godfrey Kirumira, Hamis Kiggundu, John Bosco Muwonge, Christine Nabukeera, Drake Lubega, Stuart Mabiriizi, Tom Kitandwe, Mutaasa Kafeero ne Gaster Lule Ntake.

Kirumira era ssentebe w'abagagga yaweereddwa ebbaluwa emusiima okukulembera obulungi banne aba 'Bagagga Kwagalana' nga tewali ntalo.

HANNINGTON NKALUBO



Bakaminsona mu kitongole ekiwandiisa amakampuni nga bakwasibwa Ssekitto (owookubiri ku ddyo) n'akulira PSFU, Humphrey Nzeyi (ku ddyo) engule.